# Mukwano gwange asooka ku kikaliriro okufuna ffiizi z'abaana

## Sandra MUNNAKIBUG



ABAANA oluusi tebamanya bazadde baabwe kye bayitamu okubalabirira n'okubasasulira ffiizi. Waliwo maama ng'ono twasomanga naye gwe nnaguddeko n'antendera ekikaliriro ky'abeerako nga ffiizi z'abayizi zituuse. Daniella yalina omusajja, gwe yamala naye emyaka ena gyokka ne baawukana. Mu byabaawukanya mwalimu omusajja okubeera kaggoggo, okutabaala mu bakazi n'okubeera n'enkasi etali ya kusaaga. We baayawukanira yali amuzaddemu abaana babiri ng'omu kati yayingidde P7 n'omulala eyatandise P5.

Mu kwawukana, Daniella yali yamulekera abaana kyokka omukazi eyadda mu maka ng'abatuntuza n'okubakuba. Omulenzi eyayingidde P7 waliwo omukazi lwe yamukuba n'azimba omukono era Daniella olwamulabako nga guzimbye kwe kuggyayo abaana. Yakweka bba gw'alina kati abaana bano era buli lwe bawummula, bakasibira wa jjajjaabwe azaala Daniella.

Olusozi Daniella lwe yasanga kwe kusabanga ffiizi z'abaana, kitaabwe n'amussa ku kakwakkulizo ak'okusookanga okumukavvula, bw'aba waakuzifuna. Daniella yasooka kubiziimuula n'abasasulira ku ssente ey'ekikazi wabula omwaka ogwaddirira omulimu gwe yalina gwaggwaawo n'asoberwa.

Yalina okuddira taata w'abaana naye era n'amujjukiza akakwakkulizo k'okusooka okumukalakata bw'abeera ayagala ffiizi z'abaana. Daniella yattottodde bwati: "Mwana ggwe Sandra ekisooka nnali saagala kulaga mwami wange nti nnina abaana. Omulimu bwe gwaggwaawo nga sisobola kukung'anya bukadde kyenkana bubiri kitundu okubazza ku ssomero kuba ba kisulo. Bwe nnakubira kitaabwe n'ampita nkime ssente. Omanyi engeri oluusi gye tubeera tetwagala kulabika bubi ewa 'X' wo, ku olwo nnagenda nneebyudde.

Ensisinkano yali ya ku wooteeri owa wakati wa Kibuye ne Najjanankumbi. Olwankubako eriiso n'akungiriza mbu nga nnyirira bulala. Oluvannyuma lwa kacaayi yasikayo ekibaasa nga kirimu obukadde nga busatu n'azindaga naye n'agaana okuzinkwasa. Sandra omusajja yalemerako nti asooka kunkalakata bwe mba waakufuna ffiizi z'abaana.

Najjirwa ebirowoozo bingi kyokka nga bwe mbigattagatta muli ng'amba sirina walala gye nsobola kuggya ssente. Nga ndi awo ntetenkanya ekiddako, yafuna essimu nga gw'ayogera naye amubuuza gye yeesibidde kuba obudde bwali bugenda. Yamusaba amwongereyo eddakiika 30 zokka ajja kuba amutuuseeko. Olwaggya essimu ku kutu kwe kumbuuza kye nsazeewo olwo nga bw'ajuliza nti ndowooza owulidde bwe banneetaaga. Ganneesiba munnange ne nneewaayo.

Bannange omusajja yakalakata nze .... Ekibi ky'omusajja oyo munene bulala era nga tetunnayawukana ng'emirundi egisinga andeka anjuzaayuzizza. Naye omanyi ate ssente yampaako kitundu mbu kuba yabadde ayingiddemu pulogulaamu endala ate olwo n'ampa olunaku olulala lwe mbeera nkima ezisigadde. Ate lwe nnakima bbalansi oluwooza teyasooka kunnyambula... era kati yafuuka nkola buli ffiizi lwe zituuka akola ebyo nga ne wiiki ewedde mwana ggwe nnabadde nnina okwewaayo, abaana basome!